## AB'E KAMWOKYA BEERALIIKIRIVU

ABAZADDE b'e Kamwokya mu Kampala, emitima gibeewanise oluvannyuma lw'abamu ku baana baabwe kumpi kusula bweru nga bali ku WiFi. Kigambibwa nti bangi balabibwa ebweru amatumbibudde okumpi ne Green Valley, nga bakungaanye n'obusimu bwabwe bafune data wa WiFi ow'obwereere. Abamu ku bazadde bagamba nti kino, kiyinza okuviirako abaana baabwe okufuna obuzibu ekiro ssaako okuyiga emize egy'enjawulo.